# »Engeri faamu ya Sychar gyeyakubisaamu emirundi ebiri obungi bw'amata mu myeezi ebiri – ekitundu 1«

Okukubisaamu emirundi ebiri obungi bw'amata kisobola okukolebwa mu myeezi ebiri mukugoberera emitendera emituufu. Okuliisa ente omuddo kyongera kubungi bw'amata.

Engeri ezenjawulo ezitondebwaawo abalunzi zesigamizibwa kunkola. Zisinga kwesigamizibwa ku kifo, okub'erawo kwemere, n'enkola ekozesebwa, kwekugamba ezirundibwa mukiyumba oba ezirundibwa mukiyumba nga bwezisibwaako nekutale. Nga tonaba kulunda nte z'amata bino wamanga biyina okugobererwa: Ekisooka ttaka ate ekiddako bakozi kubanga obungi bw'abakozi mukulunda ente z'amata kyankizo nnyo. Ekisembayo sente z'amugaso nnyo kubanga ziyamba okugula ebikozesebwa wamu n'okuzimba ennyumba z'ente.

## Okuk'atuusibwa kw'omuddo

Okuk'atuuka kukolebwa nga tweyambisa akaloddo kubanga kiyambakukw'ongera kubungi bw'amata. Akaloddo k'amugaso kubanga kayamba okuwa sukaali ente z'amata, Fermentation is done using molasses as it helps increase milk production. Molasses are important since they provide sugar to dairy animals, ky'ongera kukuletera emera okuliibwa era kakozesebwa mumuddo okuyamba mukukaatuuka. Era kyanguya ku kukubibwa kwemere mu nte z'amata.

Omuddo gwente omukalu okgukaatuusiddwa, gusooka kusaasanyizibwa era negumansirwaako amazzi okusobola okugonda. Akaloddo katabulwa n'amazzi mukigero kya 1:1 era nekasaasanyizibwa kumuddo. Omuddo ogutabuddwa oluvanyuma

gutekebwa mukipipa era negunyigibwa.

# Entereka y‘omuddo ogukaziddwa

Omuddo guterekebwa okumala ennaku 3-4 nga ekisanikira tekiyisa mpewo okutangira empewo okuyingira munda okusokusobozesa okukaatuuka okubeerawo. Kulw‘okulunda nga ente zibeera munyumba wamu n‘okusibwa wabweeru, ente zisooka kulundibwa oluvanyuma nezirisibwa omuddo ogukaatuusiddwa. Kubulunzi obw‘okulundira ente munyumba nga tezifuluma obungi bw‘omuddo ogulisibwa ente y‘amata gwa 30kg.

Okutereka omuddo kukasa okufulumizibwa kw‘amata mukiseera kyonna oba ky‘akyeeya oba kunkuba era abalunzi bafuna amagoba.

## Okutta ebiwuka munsolo

Mukusooka okutta ebiwuka kutekeddwa okukolebwa nga ensolo eyina emyeezi 2-4 oba emyeezi 3. Ebanga eritwaalibwa mukugema lisinziira ku kika kyeddagala eritta ebiwuka erikozeseddwa. Munte ezikamwa, zigemebwa emu kw‘emu kubanga oyina okulinda oluvanguma lwesaawa 48 okuddamu okunywa amata.

Obuyana buweebwa eddagala eritta ebiwuka buli luvanyuma lw‘amweezi. Okutw‘alira awamu, oluvanyuma lw‘okutta ebiwuka, ente eberawo okumala esaawa 72.